

EFF'S SURVEILLANCE SELF-DEFENSE

Emitendera musanvu egy'okuuma engerekeka ya omutimbagano

<https://ssd.eff.org/en/about-surveillance-self-defense>



LOCALIZATION LAB

1. Okumanya ge maanyi

Okusalawo okulungi mu bukuumi bwa digito butandika nokumanya okutufu kumbeera yo nga gwe akozesa digito. Ngotandika, webuze ebibuzo bino;

- Kiki kyenjagala okukuuma?
- Ani gwe ngezaako okukigira?
- Mukisa ki nti nja kwetaaga okubikuumu?
- Nafuna buzibi ki singa enteeketeka zange zigwa butaka?
- Buzibi ki bwenetesetese okuyita mu nsobole okukungira obuzibi obuyinza okuntukirira?

Bwoba omaliriza okudamu ebibuuzo bino, ojakuba osobola okumanya biki byeweetaga mubukuumi bwa digito. [Kola enteekateeka y'byokwerinda](#)(Olusi eyitibwa [Ekifaanayi ky'okutiisatiisa](#)) . [Kati olina amaayi mangi okusinga bwolowooza.](#)

2. Akakwate akasinga obunafu

Waliwo enjogera egamba nti "olujegere luba lwaamanyi okusinzira ku kakwate kulwo akasinga obunafu" era enjogera eno etukirira ne mu bukuumi bwa digito.

Ekyokulabirako, kkufulu y'oluggi esinga obugumu tebanamugaso singa amadirisa tegalina busiba. Okwefananyirizako, [okukozesa app esiba ensirifu](#) okusindika ekifanayi kyekyaama tekiyamba singa kompyuta eriko ekifanayi kino nga tekisibidwa nsirifu ebibwa. Lowooza ku buli kitundu ky'ebikukwatako nenkozesa yo eya'kompyuta ogezeko okuzuula obunafu webuli mu byokwelinda byo mu bukuumi bwa digito.

3. Obutazibuwaza kyongera obukumi ate nobwangu

Abantu abamu bakemebwa buli kipya kyebalaba, oba buli magezi gebawulira. Naye, daaki besanga nga bakozesa ebintu bingi nyo kyoka okukozesa ebintu ebingi kibaviirako okulemelerwa. Okukozesa ebikizesebwa ebizibu kiviirako okulemelerwa okuzuula obunafu webili. Nolwekyo, twewale okukozesa ebikozesebwa ebizibu. Ebiseera ebisinga, ekyokudamu ekisinga obulungi tekiba kyabukugu nyo. Kompyuta ziyinza okuba zikola bulingi kubintu bingi naye ebisera ebimu, ebyokwerinda ebimu byetaga kitabo na kalamu okubitegeera, okubyanguya nokubisobola.

4. Ekisinga ebeyi sikyekisinga okuwa obukuumi.

Tolowooza nti ebikozesebwa mu bukuumi bwa digito ebisinga ebeyi byebisinga obulingi nadala nga bitwaala ebyokukozesa okuva kubintu ebirala. Enkola eza layisi oba ezitali zabuseere nga okusalasala empapula ezitakyalina mugaso ziyinza okukuwa obukuumi obwamanyi.

5. Tewali buzibu mu kwezigaga *omuntu*. (Naye sooka omanyeye oyo gwonoteekamu obwesige.)

Amegezi ku bukuumi mu bya kompyuta gayinza okukulowoozesa nti tolina kwesiga muntu mulala yena okujako gwe keniyini. Mubulamu obwabulijjo, wesiga abantu bangi *ne bibikukwatako* ebyekyama okuva ku bantu bewaka, mwagalwa wo okutuuka ku musawo wo oba munamateeka wo. Ekibuzabuza mubya digito kwekumanya *abo* bewesiga era obesize naki. Oyinza okuwa muntamateeka wo paasiwaadi zo neye lowozamu munamateeka wo oba omuwade obuyiinza bwenkanawa kubulamu byo oba oyo yena ayinza okufuna paasiwaadi ezo. Oyinza okutereka ebiwandiko byo mu mpereza yekire nga Dropbox oba Google ng'ebiwandiko bino bibyo weka naye kimanye nti Google ne Dropbox nabo balina obusobozi okusoma ebiwandiiko ebyo.

Oba oli kumutimbagano oba toli, buli lwotasasanya nyo byaama byo kikuwa omukisa okubikuumu nga byakyaama.

6. Tewali nteekateeka yabyakwelinda etuukiride.

Kola enteekateeka yebyokweerinda ekukolera era enakuyamba mukabi akayinza okukutukako. Enteekateeka etukiridde ngeli kulupapula tegyakuyamba bweba nga sinyangu kugoberera mubulamy bwo obwabulijjo.

7. Ekirina obukuumi leero, kiyyinza obutaba na bukuumi enkya.

Kyamugaso okwekaanya entakera ebyokweerinda byo. Olwokuba walina obukuumi omwaka oguwede oba wiiki ewede tekitegeeza nti obukuumi obwo bwaluberera. Teekayo omwoyo bwolaba amawulire agakwaata ku byokwelinda nga gakwata ku compuni enene ffena zetukozesa era amawulire ago gagyakulabikira ku *Wiredoba The Verge*, oba ne ku *The New York Timesoba Washington Post* Tofayo nyo kumawulire age'byokwerinda singa gakwata ku compuni entono gyotomanyi. Era fuba okusigala nga

okebera emikutu nga [SSD](#) kubanga fe tukyusakyusa okuwabula kwafe kubyobukuumi bwa digito okusinziira bwetubitegeera era nokusinziira ku kiki ekigenda mumaaso. Jjukira, obukuumi obutukiride buva munkola egenda mu maaso

